Bulombo lombo bwaffe obwekisa oba Bulyaake

Posted by omumbejja - 2008/02/24 04:46

Banange njagala kino buli omu asooke akirowoozeeko ekireeta obuzibu Abantu eka obulombo lombo bwaffe obwomukwaano nokuba abagabi okubufuula Ekigulira magala eddiba oli nasalawo nokugunjaawo ekirimbo ekisingayo okuwulikika nge kyentiisa, kikureke ngotyemuse omutima ngosigalidde kugenda kwewola nezotolina era nga tomanyi wolizisasuliyo osobole okuddukirira munno.

Nze ndowooza nti obulyaake obwetolodde abantu baffe buli omu akafa nsonyi nekamugwaamu nga gwe omuntu we gwasigalidde okusimbamu akaseke kuba tasobodde kugenda kulujjuliro olwabalala gye bafunira eza ddondolo .

Naye ate okuba nti gwe ali ebweeru lwolisaba okukolera ekintu nebalyooka bakulimba ngajobeera naawe tolikwaata ngugu kuddayo kulaba bitaliiyo byebakusubiza okukolera nga nessente zonna ozisasudde zebakusabye okubikkolera.

Kulwange ndaba ngabantu abababdde abekisa osanga batandise naawe okukwekweka ngabasubira nti obaretedde baggage endala. Kino kati okugwaawo abantu okuddamu okussa mu bannaabwe obwesigwa kijja kwetaaga kweyoza mumyooyo nemitima kuba bwewesiga omuntu nakuyisaawo oba toyagala nakuwulira linnya lye oba olusu wayise ngalukuwunyira ziizi.

Tumanyi obuzibu bungi eka naye nabali ebweru lwabutatemera beeka miranga baluma no gwengulu okuyita mu bulamu obuzibu ,buli omu engeri gyaaba abusanzeeko ngo jeeko nti teri ebyo nti onogenda newewogomako ewa jjajja oba nogamba nti winter eno sijja jisasulira bbugumu oba summer eno sijja gisasulira mpewo. Maliriza nga ngamba nti Mukama yandikikoze buli omu nakwatibwa omukisa nafulumako ebweeru namanya nti omuntu okwefiriza nakatono kalina okawaayo addukirire abantu be eka ogwo gwonna mukwaano ogwajjira mu bulombo lombo bwaffe

==========